# By’olina okumanya ku ddembe lyo mu misango gy’ebidduka

*(Your Rights in Traffic Court – Luganda translation)*

Tukwanirizza mu kkooti y’emisango gy’ebidduka mu ggombolola y’e Champaign. Kuba akafananyi owawaabiddwa omusango gw’okumenya amateeka g’ebidduka mu ssaza ly’e Illinois. Kikwetaagisa okuba nga omanyi eddembe lyo. Sooka oweeyo akadde katono osome mu kiwandiiko kino kikuyambe okumanya obulungi enkola ya kkooti y’ebidduka ku misango gy’engassi era kiyambe obutayonoona budde bungi mu kkooti.

Ekiseera kyo nga kituuse, omulamuzi ajja kukowoola erinnya lyo n’ennamba y’omusango gwo. Ojja kuyimuka ogende mu maaso. Omulamuzi ajja kukubuuza amannya go era asabe omuwaabi wa gavumenti ayogere ekigenda okuddako. Ekyo nga kiwedde, omulamuzi ajja kukakasa ky’osuubira mu musango guno. Ojja kuweewa omukisa okubaako ky’obuuza ekikwatagana n’eddembe lyo oba okusabayo akadde okwogeramu ne munnamateeka.

### Eddembe okufuna munnamateeka

Olina eddembe lyo ery’obwebange okufuna munnamateeka okukukiikirira mu musango gwo bw’oba osiimye era olina eddembe lyo ery’obwebange okwewolereza mu musango gwo.

Omusango gw’ovunaanibwa teguweza kibonerezo kya kukusibya mu kkomera n’olwekyo omulamuzi mu mateeka tayinza kukuteerawo mummamateeka okukuwolerereza kyokka ggwe osobola okwepangisiza munnamateeka owuwo. Bw’oba wetaaga obudde okusobola okufuna munnamateeka osobola okusaba omulamuzi abukuwe.

### EDDEMBE LYO MU KUWOZESEBWA:

Bw’oba teweetaaga budde kufuna munnamateeka era nga ogenda kwewolerereza, omulamuzi ajja kukubuuza oba omusango ogukkiriza oba nedda.

Bw’ogukkiriza, eddembe lyo ery’okuwozesebwa livaawo awo n’osalirwa ekibonerezo nga omulamuzi y’akisala oba okusinziira ku ntegeeregana yo n’omuwaabi wa gavumenti.

Wabula omusango bw’ogwegaana, oba olina eddembe okuwozesebwa mu ngeri bbiri okuli ey’omulamuzi omu (bench trial) okuwulira omusango gwo, oba abatuuze 12 okulondebwa ne batuula mu musango gwo(jury trial). Bonna balina okutuuka ku nzikirizaganya yeemu ku kibonerezo.

Ggwo ogw’omulamuzi omu, guwulirwamulamuzi yekka awatali muyambi era ye yekka y’asalawo ku bujulizi obuleetebwa. Olina eddembe lyo ery’obwebange okufuma emu ku mpozesa zino zombi okujjako nga osazeewo okukkiriza omusango kuba awo towozesebwa.

Ku mpozesa zombi, omuwaabi wa gavumenti alina okukakasa nti gukusingiddeddala nga tonnaweebwa kibonerezo. Olina eddembe okubeerawo okulaba abajulizi b’oludda oluwaabi nga bakulumiriza era olina eddembe naawe okuleeta abajulizi bo okukuwolereza.

Era olina eddembe okwewozaako oba okusalawo okusirika obusirisi. Kino kitegeeza nti tewali asobola kukukaka kwewozaako mu musango gwo. Tewali kikuvunaanibwa bwotewozaako. Bw’okkiriza omusango oba wejjeeko eddembe lyo okuwozesebwa mu emu ku ngeri eziwozesebwamu era n’ebirungi ebigendera ku kukkiriza okwewozaako.

Bw’oba osalawo okukkiriza omusango, kikole kaakano. Bw’oba olina entegeeragana gy’otuseeko n’omuwaabi wa gavumenti ku ky’okukkiriza omusango, endagaano gye mukoze erina okuweebwako omulamuzi. Bw’oba osaba omulamuzi asalewo ku musango gwo, enteekateeka ejja kukolebwa mangu guwulirwe okulaba ekibonerezo bwe kisaana okuba.

Bw’oba oyagadde, oyinza okusaba omulamuzi okukuwa ekibonerezo ky’akasanvu. Bw’oweebwa akasanvu n’okamalako bulungi nga olondoolwa kkooti, alipoota ekwata ku nkozesa yo ey’ebidduka nti wasingisibwa omusango gw’ebidduka. Obumu ku bukwakkulizo kkooti bwejja okukuteerawo muyinza okubaamu engassi, n’ensimbi kkooti zeesaasaanyizza mu musango guno era naawe okakasa nti tojja kuzza musango gwonna mu kiseera woonookera akasanvu.

Omutemwa gw’engassi ogukusaliddwa wamu n’omuwendo gw’ensimbi kkooti zeesaasaanyizza bijja kulambikibwa mu nsala y’omulamuzi era ku kiwandiiko ekyo ejja kuweebwako kopi. Emitango gyonna bijja kusasulwa ew’omuwandiisi wa kkooti y’ekitundu kino awo ku kadirisa ke walabye nga waakayingira mu mbuga ya kkooti.

**EDDEMBE OKUJULIRA**

Olina eddembe okujulira ku kibonerezo kyo mu nnaku ezitasukka makumi asatu okuva lwe gukusingisiddwa. Olina okuwaayo okusabako mu buwandiike nga osaba nti bye wli okkirizza nti gukusinze obijjeewo era nga owa n’ensonga lwaki. Ensonga yonna gyotatadde mu kiwandiiko ky’okujulira kwo tejja kukozesebwa mu kujulira kwo. Okujulira kwo bwe kukkirizibwa, byonna ebyali bikusonyiyiddwa bikuzzibwako. Bw’otokola kujulira kwo mu nnaku 30, awo eddembe lyo eryo oba olifiiriddwa.

**OKUKUJJAKO EDDEMBE LYO N’OKUKKIRIZA OMUSANGO**

Bw’oba oyagala okukkiriza omusango, n’obwegendereza soma ekiwandiiko kino era oteekeko omukono wansi. Omulamuzi ajja kukujjulizaamu ebirala.

NSOMYE ERA NENTEGEERA EDDEMBE LYANGE LYONNA, OMULI N’EDDEMBE OKUBA NE MUNNAMATEEKA ERA N’EDDEMBE OMUSANGO GWANGE OKUWULIRWA OMULAMUZI OMU OBA ABANGI 12. NJAGALA OKUKKIRIZA OMUSANGO ERA EDDEMBE LYANGEEDDALA LYONNA LINVEEKO OKUJJAKO EDDEMBE LYANGE ERY’OKUJULIRA. NZIKIRIZZA OMUSANGO KULWANGE AWATALI KUKAKIBWA WADDE OKUTIISIBWATIISIBWA OBA OKUWALIRIZIBWA MUNGERI YONNA.

……………………………………………………………………………………………………………………………

**OMUSANGO**

EMITANGO: (laba ekiwandiiko kya kkooti ekirimu emitango) …………………………Ebbanga ly’onookolera akasanvu nga kkooti ekulondoola.

Omukono gw’omuwawaabirwa

…………………………………………………………..

Ennaku z’omwezi

…………………………………………………………….